# Abayizi boolesezza bye bayize mu nsoma empya


Bya PAUL GALIWANGO

ABAYIZI mu masomero ga siniya mu Wakiso ne Kalangala balaze obuyiiya n'obukugu bwe bafunye mu nsoma empya.

Baabiraze mu mwoleso gwa ssaayansi ogwayindidde ku Wakisha Resource Centre e Wakiso era abayizi baayolesezza pulojekiti ez'enjawulo, okumalawo ebizibu by'obulamu obwa bulijjo.

Gwategekeddwa ekitongole kya minisitule y'ebyenjigiriza ekivunaanyizibwa ku kutendeka n'okulung'amya abasomesa ba Ssaayansi n'Okubala mu masomero ga siniya, ekya 'Secondary Science and Mathematics Teachers Program (SESEMAT).

Baalaze obuyiiya mu kutaasa obutonde bw'ensi nga bookya kasasiro ne bamukolamu amasannyalaze, okukola sitoovu efumbisa woyiro omukadde, okwongera omutindo ku birime, okukola eddagala ly'ebirime, tekinologiya ayinza okumalawo amataba okwanjaalira mu bizimbe, amasannyalaze ne ggaasi afumba okuva mu busa bw'ente, okukola ekigimusa okuva mu bucupa n'obuveera, ssabbuuni ne kkando ebigoba ensiri n'obuyiiya obulala.



Abayizi ba Trinity College Nabbingo nga boolesa engeri gy'okola amasannyalaze okuva mu kasasiro.

Omukugu mu kunoonyereza ku bya ssaayansi okuva mu kitongole ekivunaanyizibwa okuwandiisa bizinensi n'ebiyiiye mu ggwanga ekya Uganda Registration Service Bureau (URSB), Huud Mutuba eyabadde omugenyi omukulu, yalambuludde ku bukulu bw'amasomero okuwandiisa pulojekiti zaabwe okwewala okwozebwamu n'okusobola okufuna obuvujjirizi okuva mu Gavumenti.

Omukungu okuva mu SESEMAT, Paul Musoke yasabye abayizi bagabane amagezi gano ne bannaabwe n'asaba n'abantu okuwagira abaana bano, basobole okuyamba ebitundu gye bava.

Agamu ku masomero ageetabye mu kwolesa kwabaddeko; Mwereerwe SS, Entebe SS, Gayaza High School, Our lady of Good Counsel SS Gayaza, Boston High Entebe, Nsangi SS, Hope Senior School Bbira, Caring Hearts School, Madinah Islamic, Bishop Dunstan Nsubuga Memorial SS, Trinity College Nabbingo n'amalala. Trinity College Nabbingo lye lyabanywedemu akendo ne pulojekiti y'okukola amasannyalaze mu kasasiro.